# Bw'otangira omwana wo obutawubisibwa na bubaka bwa bulimba ku mitimbagano

Bya EMMANUEL SSEKAGGO

NG'ABAANA baffe n'abavubuka bongedde okwettanira amasimu n'omutimbagano, waliwo akabaate ke boolekedde ak'obubaka obukyamu obutera okubeera ku mikutu gino naddala emigattabantu era ng'ensonga eno bwetakwatibwa bulungi, esobola okuvaamu ebizibu ebiwerako.

Omukugu mu nkuza y'abaana era nga ye muwi w'amagezi omukulu mu kitongole ekirwanirira eddembe ly'abaana ekya Raising Voices, Hassan Muluusi, agamba nti : Ekizibu ky'abaana okufuna obubaka obutali butuufu ku mutimbagano kinene era nga kyetaaga okukwata n'amagezi wamu n'obuyiiya obw'enjawulo okulaba nga tebukosa baana baffe.


Okusoomoozebwa okuliwo kuli nti, abantu abasinga abakozesa omutimbagano tebalina bukugu bumala, obusobola okusengejja obubaka obutuufu bwe basobola

**Omuzadde n'omwana**

okuteeka ku mikutu gino olwo ne bateekayo obukyamu abaana baffe ne babufuna nga balowooza butuufu era ne batandika n'okubutambulirako.

Obulabe obuli mu mbeera eno, kwekuba ng'omwana bw'afuna obubaka buno, olw'okuba aba tannaba naye kufuna bukugu bubwesengejjera, alowooza nti, by'afunye bituufu era n'atandika okukola bye bumulagidde okukola.

Okugeza obubaka bwe bumugamba nti, 'kituufu okutandika ebikolwa eby'obufumbo nga waakavubuka' omwana bw'abulaba,



Hassan Muluusi

alowooza nti, kino kituufu era bw'atalambikibwa kimala, amaliriza atandise okubyetabamu.

Mu ngeri y'emu era wasobola okubaawo ateeka ku mutimbagano obubaka obukyamu gamba nga bukwata ku biragalalagala nti, 'bw'okozesa ekintu bwekiti ofuna amagezi mangi era n'oyita bulungi ebigezo mu kibiina', bambi olw'okuba omwana ayagala okuyita, akkakkana atandise okukozesa ebintu eby'enjawulo n'ebikosa obwongo bwe.

Awo nno ffe ng'abazadde tulina okufuba okubaako kye tukola okutaasa abaana baffe ku mbeera eno kubanga ya bulabe, obubaka obukyamu busobola okukyusa endowooza y'omwana ku bintu eby'enjawulo, busobola okumukyayisa obuwangwa bwe, okumukyayisa abantu be, okumukyayisa okusoma n'ebirala.

## EBISOBOLA OKUKOLEBWA OKUTAASA ABAANA BAFFE KU BUBAKA OBUKYAMU

Okusobola okutaasa abaana baffe ku bubaka obukyamu ku mutimbagano wamu n'obulabe bwe buleeta gyebali, tusaanye okwogera nabo entakera n'okubasomesa ku nkola ennungi ey'omutimbagano. Omulimu guno abazadde balina okugwenyigiramu kubanga be bali n'abaana mu kiseera kino eky'oluwummula kyokka nga n'abakugu okuva mu Gavumenti ne mu bitongole by'obwannakyewa balina okubayambako. Osobola okusanga omuzadde nga newankubadde yafuna obusobozi obuwa omwana essimu, naye nga talina bukugu ate bwawula bubaka bukyamu na butuufu omwana bw'alina okusoma n'okugoberera. Mu mbeera eno aba yeetaaga okuyambibwako abakugu.

Ekirala ekirina okukolebwa abakugu mu mbeera eno, kwe kuyambako abazadde n'abaana okuloopa abantu abasindika obubaka obw'obulimba eri abo abaddukanya emikutu gino, ne basobola okusimba (block) oyo omuntu aba asindikira omwana wo obubaka.

Okwo kw'ossa ne Gavumenti okuteekawo enkola ey'omuggundu, erondoola ebyo ebiweerezebwa abaana ku masimu era ng'abo abasindika obubaka obw'obulimba, ebakwata n'ebavunaana mu mbuga z'amateeka, ne bafuna ebibonerezo ebibagwanidde n'abalala ne babalabirako.

Answers to Bukedde Holiday Companion ISSUE 16